335/1
LUGANDA
Paper 1
Aug. 2023
2 hours

# UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION

# RESOURCE MOCK EXAMINATIONS 2023

# LUGANDA

## Okuwandiika emboozi, okufunza, okukyusa ne ggulaama, n'ebisoko.

## Paper 1

Essaawa bbiri (2 hours)

**EBIGOBERERWA**

*Olupapula luno lulimu ebitundi bibiri; A ne B*
*Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne (b), londako (a) oba (b)*
*Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2, londako (a) oba (b)*
*Nnamba 3 yonna ya buwaze*

**EKITUNDU A**

**Kola 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino**

1. (a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400. (buli emu ya bubonero 50)
   - (i) Akutwala ekiro……………………
   - (ii) Moujjuzo gw'abaana abato abeeyiwa ku nguudo z'ebibuga kivudde ku bazadde butatuukiriza buvunaanyizibwa bwabwe. Kubaganya ebirowoozo.
   - (iii) Ebibiina by'obwegassi bya mugaso nnyo mu nkulaakulana y'ebyalo ensangi zino: Wagira endowooza eno.
   - (iv) Olumbe lwa boodabooda!

**Oba**

(b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko nga bw'olagiddwa. (obubonero 50)
   - (i) Kitwale nti muli mu musomo gw'abalimi mu kitundu ky'ewammwe. Gwe akulira eby'obulimi ku ddisitulikiti, obasomesa ku ngeri y'okwongera ku bunti bw'emmere. Wandiika ng'oyogera mu musomo ogwo. (Kozesa ebigambo 200).
   - (ii) Wandiika omuko mu mawulire ku ngeri ebyenjigiriza gye bisobola okutumbulwamu mu kitundu kyammwe. (Kozesa ebigambo 200)

(iii) Oyitiddwa ku pulogulamu y'eby'obulamu ku leediyo emu. Somesa abawuliriza ku mutwe ogugamba nti "Omuvubuka wa leero asaze magezi ki okwewala obulwadde bwa mukenenya". (Kozesa ebigambo 200)

(iv) Mukwano gwo omungereza ali e Bulaaya akuwandiikidde ng'ayagala okumanya obukulu bw'emizannyo egy'ebika egitegekebwa gavumenti ya Ssabasajja buli mwaka. Muwandiikire omunnyonnyole bulungi. (Kozesa ebigambo 150).

**EKITUNDU B**

**Kola ekibuuzo 2(a) oba 2(b). (Buli kibuuzo kya bubonero 20)**

2. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.

Waliwo endwadde nnyingi nnyo n'ebiwuka ebya buli ngeri ebirumba ebitooke. Naye wano mu Yuganda, ebiwuka bi Kayovu n'obusiri$\eta\eta$ anyi bye bisinga okutawaanya ennyo ebitooke byaffe.

Kayovu mu Lungereza amanyiddwa nga *Banana Weevil Borer*. Ebiwuka bino bibiika amagi gaabyo ku bikolo by'ebitooke. Obuvunyu bungi obuva mu magi nga gaaluse, buyingira munda mu bikoloby'ebitooke ne bugenda nga bubirya.

Ekyo kigaana emirandira emipya okuvaayo, ne kikendeeza amazzi n'ebiriisa ebiyingira mu bitooke okuva mu ttaka. Ekyo ne kireetera ebitooke ebiba birumbiddwa okunafuyira ddala. Endagala ne ziwotoka era ne zitoniwa. Ate olw'obunafu bw'ebikolom emirundi mingi, ebitooke ebyo bikoonoka ne bigwa. Kayovu asinga kusaasaanyizibwa ng'ayitira mu nsukusa ezigenda okusimbibwa.

Mu kutangira Kayovu tukozesa endokwa oba ensukusa ennungi ezitaliimu biwuka era endokwa zino zimezesebwa mu ngeri ey'omulembe. Twegendereza nnyo obutamala gagenda ng'osigula ensukusa wonna w'oba osanze n'otwala okusimba mu lusuku, kubanga enkola eno ereetera Kayovu okusaasaanira ebitooke. Ebintu byonna ebikozesebwa mu lusuku omuli Kayovu tosaanye kubikozesa mu lusuku olwo omutali Kayovu nga tomaze kubinaaza na kubirongoosa bulungi. Ebyo nabyo biyinza okubaako obugi bwa Kayovu bw'otasobola kulaba n'amaaso go.

Mu kifo awababadde olusuku olukadde tosimbawo lusuku luggya mangu. Ekifo ekyo bw'oba oyagala okuzzaawo olusuku olulala olukadde bimale okuvaamu.
Mu kiseera ekyo ekifo ekyo oyinza okusimbamu emmere yaffe ey'omuttaka nga lumonde oba muwogo. Oluggyamu emmere eyo awo n'olyoka osimbamu olusuku olulala.

Kyetaagisa okulambulanga olusuku lwo buli kiseera, okusaliranga ebitooke n'okunoonyerezanga ebiwuka n'endwadde eziba zeereeta. Amangu ddala ng'ekitooke kizuuliddwamu Kayovu kiyiweeko omusulo gw'ebisolo oguwoze obulungi

ng'ogasseemu evvu, kaamulali, oluwoko oba kawunyira n'ebikoola bya taaba. Omusulo bwe gutabaawo, ebyo oyinza okunnyika mu mazzi aga bulijjo okumala wiiki ng'emu nga tonnaba kubikozesa. Kayovu era oyinza okumuyigga n'omutta.

Okuyigga Kayovu amangu, yabuluza ebiteteme wakati obiganzike mu lusuku lwo mu bifo ebitali bimu. Ebigogo ebyo bw'obirambulalambula buli kiseera naddala mu biseera eby'okumakya, wansi waabyo osangayo Kayovu. Mukunηη aanye bulungi omuttirewo. Ebikolo bya taaba ne kawunyira bw'obisimba mu lusuku nabyo biyamba okukendeeza Kayovu n'ebiwuka ebirala.

Embeera bw'eba ng'eri bubi nnyo, eddagala eritta ebiwuka nga Furadan, Primicil oba Miral osobola okulikozesa kyokka nga tonnaba kukozesa ddagala eryo sooka weebuuze ku balimisa n'abalala abalina obumanyirivu ku nkozesa y'eddagala eryo. Era osaana okumala okusoma n'obwegendereza endagiriro y'enkozesa y'eddagala eryo ebeera ku mikebe oba paketi eddagala mwe liba liteekeddwa.

*(Kisimbuddwa mu Entanda ya Buganda omuzingo ogusooka nnamba 14).*

**Oba**

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

The National Environment Management Authority (NEMA) held a seven days conference in a bid to save Uganda's deteriorating environment. The conference drew over 350 participants from government ministries, foreign and local NGO's, districts and schools, religious organizations and private sector.

During the deliberations, delegates further called for immediate action on the part of the government to address the increasing environmental degradation which is threatening the national resource base. They strongly advised that the situation can only be arrested through immediate drafting and legislation of a national environment policy, and creation of an autonomous National Environment Management Authority (NEMA) to co-ordinate, monitor and advise government on matters related to the environment.

In his address to the participants, the president noted that although Uganda was endowed with rich natural resources, the backward methods of their exploitation had been the main cause of environmental degradation. He further observed that "If we have to continue using the same resources for the present and future generations, what we have to do is to participate in resource management".

However, the president clarified that the issues at stake are related to the alleviation of poverty and fighting illiteracy among the majority of Ugandans. Our peasants are so poor that they are too pre – occupied to spare any time for environment management. They are so poor that they still practice and use poor and backward agricultural methods.

*(Extracted from: "Save our environment", with minor changes, written by Kuteesa F.N)*

**Kola ebibuuzo 3(a) ne 3(b)**

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo. (obubonero 20)

(i) Kirimuttu namuggyirako ………………… olaba ayita ebibuuzo ate nga yamala ebbanga ddene nga mulwadde!

(ii) Kato yansuula …………………n'anfunira ssente ez'okuneeyimirira mu kooti.

(iii) Ku mbaga twalya ne tusindisa ………………….. era okugenda okuvaayo nga sikyalina kye njagala.

(iv) Mukasa yagwa kungo eriko……………. Bwe yabba ssente za kampuni anti yasibira mu kkomera e Luzira.

(v) Ku lwomukaaga nagwawo ……………… nga mpulidde nti eyali ow'okutusasula omusaala yadduse nagwo.

(vi) Ku kyalo Wabinoga kwaliko ensuku ezigudde …………….. era nga emmere evaayo y'eriisa ekibuga kyonna.

(vii) Kyeyune omusango gw'okukwata omwana gwamukka mu …………. Ne bamutwala e Kigo.

(viii) Mu ntanda y'amasomero ffe twalya ……………… okukakkana nga batuwadde engabo ne ssedume w'ente.

(ix) Kiggundu yaduuka za…………………… nga bamaze okumugamba nti enyimba ye ekutte omuliro.

(x) Lwe twagenda e Masaka twasimba ………….. anti amafuta gaali gabuze mu ggwanga wonna nga ku kkubo tekuli mmotoka!.

(b) (i) Laga ennyukuta zino wammanga:- (obubonero 10)

- Nampawengwa
- Nakinyindwa

(ii) Laga embu z'amannya ebigambo ebiragiddwa wammanga mwe bigwa.

- Ekyoya
- Ettama
- Amata
- Omwogezi

(iii) Nyonnyola enkozesa y'enyukuta **r** ne **l** mu Luganda.

**BIKOMYE WANO**